# Kazambi akulukutira mu nguudo z'e Kawempe atabudde abatuuze



MOSES LEMISA

Kazambi mu Debora Nabukenya Road e Mulago.

Bya MOSES LEMISA

KAZAMBI eyeeyongedde okukulukutira mu nguudo z'omu Kawempe atabudde abatuuze ne basaba KCCA ebeeko ekikolebwa ng'abantu tebannafuna birwadde biva ku bucaafu.

Bw'otuuka ku nguudo z'omu Kawempe ezimu, buli w'okuba amaaso ogakuba ku kazambi akulukuta ng'omu aludde ng'ekisinga okwewuunyisa abatuuze n'abamu ku bakulembeze ku Ggombolola ensonga eno bagimanyiiko naye tewali kikolebwa, Kazambi takoma kw'oyo akulutira mu nguudo, wabula waliwo n'abatuuze abazibukulira kaabunyonjo mu myala.

Emmanuel Sserunjogi, Meeya w'e Kawempe yagambye nti, ensonga ya kazambi bazze bagitegeeza be kikwatako mu KCCA naye tebafaayo, ng'ono akoze kya maanyi okulabisa obubi ekibuga ky'e Kawempe. Kazambi ali mu nguudo ez'enjawulo okuli olwa; Sir Apollo Kaggwa, Debora Nabukenya Road e Mulago, Mawanda Road, Ttula road n'endala.

Yagasseeko nti, bali mu kwogerezeganya n'ekitongole kya National Water and Sewage okulaba nga bakyusa entambula ya kazambi ppayipu ziggyibwe mu makubo ziyisibwe awalala awatali nguudo. Ekizibu kino yagambye nti, kisinga ku Mawanda Road, Binaisa, Sir Apollo Kaggwa n'endala ng'abatuuze mu Kawempe balina okuba buli omu mbega wa munne mu kiseera kino.

Yagambye nti, waliwo etteeka eppya erya Kampala Sewage People Silage Management 2021, ng'omuntu akwatibwa ng'asaasaanya kazambi wa kutwalibwanga mu kkooti asasule engassi oba okusibwa emyaka ebiri, nga waliwo n'etteeka lya Public Health Act mu Ssemateeka wa KCCA 281 erikugira omuntu okusaasaanya kazambi.

Muhammad Ssentamu, omutuuze w'omu Bokasa Zooni e Bwaise yagambye nti, baagala abakulembeze baveeyo bannyonnyole Bannakawempe oba omuze gw'okuzibukulira kaabuyonjo mu myala ne mu nguudo gwatongozebwa kuba bannannyini bizimbe tebakyalina kutya n'emisana obasanga bazibukula kazambi.

Paul Mukwaya, Ssentebe wa Dobbi zooni yagambye nti, obucaafu bungi mu Kawempe ng'abakulembeze mu KCCA balina okuvaayo okulaba nga bataasa abantu, ate n'asaba n'abantu okukomya okusuula kasasiro mu myala ne bannannyini mayumba abatalina kaabuyonjo bavunaanibwe kuba be bavuddeko abantu okutandika okweyambira mu buveera.

Alex Muwanga ow'e Kanyanya mu Lutunda zooni, yagambye nti, kaabuyonjo ezisinga mu Kawempe zaazimbwa ku myala nga bannannyini bizimbe omuze gw'okuzibukulira kazambi mu myala tebagulinaako buzibu.

Abatuuze bagamba nti, kaabuyonjo z'olukale eziri mu bitundu ezisinga waliwo batuuze bannaabwe abaazeddiza olwo abantu ne babulwa we beeyambira nga kati bagenda mu buveera ne basuula mu nguudo ne mu myala ng'enkuba bw'etonnya kiyitirira kuba buli alina kaabuyonjo eri okumpi n'omwala mw'azibukulira ekitundu ne kisanikirwa ekivundu.

Obuzibu buno buli e Kanyanya, Kaleerwe, Kanyanya, Bwaise, Kazo Angola, mu Katanga, Mulago, Mpereerwe, Kyebando n'awalala, ng'abatuuze bagamba nti, obuzibu buva ku KCCA etekoze kimala kuteekesa mateeka agakwasisa abazibukulira kazambi mu myala mu nkola, ng'abamu abakwatibwa babaggyamu ssente ne bayimbulwa.

## Boogedde ku kazambi



**Hadija Nakintu : Tuli mu mbeera mbi tutya n'okulagirira abantu gye tubeera lwa bucaafu, enkuba buli lw'etandika okutonnya obucaafu bweyongera, KCCA etulumirirweko.**



**Yunus Mpanga: Simanyi lwaki abakulembeze batuzannyira ku bwongo omuntu n'azibukulira kazambi mu nguudo, n'akwatibwa kyokka n'ayimbulwa n'addamu okukola kye kimu. Bannange bave mu kunaanya.**



**Ali Jagga: Omuntu ata kazambi n'akulukutira mu myala ne mu makubo talina njawulo na mutemu kuba alwaza abantu n'okwonoona enguudo.**